

NAME:-----INDEX NO:-----

DATE:-----SIGNATURE:-----

**P360/2
LUGANDA
PAPER 2
JULY 2017
3 HRS**

**UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION
RESOURCEFUL MOCK EXAMINATIONS 2017
LUGANDA
P360/2
TIME: 3 HOURS**

EBIRAGIRO:

❖ *Ddamu ebibuuzo nga bw'olagiddwa.*

EKITUNDU A

Ddamu 1(a) ne 1(b).

1.(a) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda.

(Obubonero 15)

Some living things are dangerous to people. For example, some plants may be poisonous. If such plants are eaten one may die, children need to keep away from such plants. Some other plants have thorns. These thorns prick people. This can cause swelling and fever.

Some animals are also dangerous to people, such animals attack and kill people. They also kill domestic animals. Other animals like mokeys and rats destroy our crops. Insects like houseflies, fleas and mosquitoes spread diseases, cockroaches and tirmites destroy our books, crops and clothes. Bed bugs bite people. People do not feel good when these insects bite them.

(b) Kyusa ekitundu kino okizze mu Lungereza.

(Obubonero 15)

Ebibala:

Buli muntu asana alyeyo ekibala kumpi buli lunaku. Ebibala bino bingi mu Uganda ate nga ebisinga bya bwerere. Naye kyewunyisa okulaba ng'omuntu ayinza okumalako wiki nnamba nga talidde ku kibala.

Bannayuganda basaana bamanye emigaso egyiri mu kulya ebibala nga:-
Omuyembe, omucungwa n'obutunda,

Ebibala biyamba omuntu okuwona endwade amangu. Ate era ebibala biyamba mu kulongoosa olususu. Ebibala ebimu biyamba omuntu obutakaddiwa mangu. N’olwekyo buli muntu asana yekwate ebibala bino.

EKITUNDU B

Kola 2(a) oba 2(b).

2.(a) *Ku mitwe gino egikuweereddwa londako gumu oguwandiikeko embooji ya bigambo 300 – 400. (Buli mutwe gwabubonero 30)*

- (i) Obusimu bu buli wendi nkufuna (Mobile Phones) buyambye kinene mu kukulakunya eggwanga.
- (ii) Omuganda n’obutuko.
- (iii) Entamu ewulira muliro muberyeberye.
- (iv) Okunoonya akalulu ku buli ddala ensangi zino kuba kwesiba bbiri.

OBA

(b) *Ku mitwe gino wammanga londako ebiri (2) buli gumu opguwandiikeko embooji ya bigambo nga 250. (Buli mutwe gwa bubonero 15)*

- (i) Amakolero n’ebitongole bya Gavumenti bitundibwa eri abantu ba bulijjo. Kyokka abantu bangi tebakyagala. Muli mu lukiiko lw A.C oyagala okuwagira enkola ya GAvumenti eyo, ogimatize abantu. Wandika engeri gy’onooyogera gye baly ku ekyo.
- (ii) Muli mu ppaaka y’obumotoka obutono, omubbi asitukidde mu nsawo y’omukadde akuli mu maaso. Omubbi omulabye era ogezaako okunnyonyola omuserikale nga bwe gubadde. Wandika okunnuonyola okwo.
- (iii) Omuganda n’omuddo.
- (iv) Wandikira omukulu akulira kkampuni emu gy’omanyi nga weemulugunya ku ngeri abakozi be gye beeyisaamu.
- (v) Wandika embooji gy’oyinza okuweereza mu lupapula lw’amawulire ng’oyigiriza abantu ku ngeri ennungi ey’okulabiriramu obulamu bwabwe.

EKITUNDU C

3. *Soma ekitundu ekikuweereddwa wammanga n’olunnyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo. (Obubonero 20)*

ABAGANDA BATEEKWA OKWENYWEZA, OBUGANDA BUYUUGA OBUGANDA BUGGWAAWO

Bw'oba nga ggwe obadde okimanyi , nze nsaasira ntegeeze ababadde tebannakimanya nti kyanje nkimanye nti waliwo entegeka ssinziggu ezikolebwa okusaanyaawo. Obuganda n'okumalako Abaganda amanpaati ge balina ba mbu kubanga bali kitole.

Kale nno waliwo entegeka ezo ez'okubumbulula ekitole ekyo. Entegeka ezo tezijja kuba mpya mu matu g'abantu kubanga era zibaddewo okuviira ddala ku mirembe gya Dr. Milton Obote egyasooka. Wabula nga tetunnaba kugenda wala sooka okitegeere nti Obote teyali bw'omu mu kiseera ekyo, ate ek'y'ennaku ng'abamu ku baali abavubuka mu kiseera ekyo, kati bakuze, era tutambula nabo era tulya nabo.

Nga tulowooza ku nsonga njagala nsooke nkujjukize oba okimanye nti ebyo bibaawo ab'amaanyi ne bagwa, ate abalala ne bayimuka. Okuwenyweza kw'eggwanga eryayitibwanga soviet Union kwaliwo era ne libeera eggwanga eritagambika. Lyakankanya ensi, buli bantu be babeera ku bunkenke. Naye nno okugwa kwa Soviet Union tekwatandika wano jjo ku bufuzi bwa Gorbachev ng'abamu bwe bayinza okulowooza. Entegeka z'okugwa kwa Soviet Union zimaze emyaka mingi egisoba ne mu 30 ng'Abamerika batetenkanya engeri oba amakubo agayinza okukozesebwa okuyiwa Soviet Union.

Obukulembeze bwa gorbachev okugenda okutuuka ng'ekintu kiringa ekimaze okusonjolwa, wabula okulinda obulinzi asalirako ddala omutwe. Bw'atyo Gorbachev n'ayamba buyambi kusonjola, kyokka nga bwo obukodyo bwe bwasinga okukozesebwa....

Mu ngeri nedala jjukira amawanga mangi gabadde ga maanyi, kyokka ekiseera kigenda ne kituuka eggwanga eryali ery'amaanyi ne lisereba, ab'amaanyi ne bagwa. Amawanga mangi agabaddemu obwakabaka tegakyalina bwakabaka. Okuba obulungi oba okuba obubi kisinziira ku bufuzi obuba buzzeewo. Ekyokuyiga ekirala kiri nti mu mawanga agamu bannabyabufuzi gye baagadde okwefuula bakabaka, bakisanze nga kirimu eggumba. Wadde nga mu North Korea abantu baamala gakkiriza olw'obuwaze.

Ebigambo by'omulamwa gw'embooji yange biwulikika ng'ebyokusaaga naye birina amakulu. Okusaanyaawo Buganda osanga nandibadde sikyewuunya nnyo kubanga eby'ensi bwe bityo bibeerawo ate ne biggwaawo. Naye ekisinga okunneeraliikiriza kye kigambo ekyogerwa ng'ekyokusaaga nti "Ekirisuula Mmengo kiriva Mmengo."

Abo abettanira okusuula Mmengo baamala dda okusensera Mmengo era we twogerera bino nga bali munda mu lukiiko lwa Buganda, baatandika dda ogwabatwala. Omuganda ayinza okwekubagiza nti Buganda bw'etyo, eno tugwa, eno tuyimuka. Wabula olina okukitegeera nti oyinza okuyimuka sigaanye, naye ng'oyimuse oli mulema.

Twagwa ate ne tuyimuka nga tuli balema. Obwakabaka Obote yabusangawo, n'abuggyawo. Obwakabaka bubeera ne Kabaka. Obuganda bwaliwo, obwakabaka bwaliwo

[DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM](http://Ecolebooks.com)

Kabaka yaliwo. Olwaleero nga tugezaako okuyimuka Buganda teriiwo, abaganda weebali, Obwakabaka tetulina, kyoka tulina Kabaka. Twesabire naye Obuganda buyuuga.

Jjukira nti nayodedde ku kirisuula Mmengo bwe kiriva e Mmengo. Mu mwaka oguwedde eyo ye yava omukungu omu ng'agamba nti kye kiseera okufuna Kabaka alinga Agakhan. Ggwe ng'Omuganda ekyo tekikukanga? Ate oludda olulala era ye yava ebirowoozo nga bigamba nti Kabaka Mutebi eyali agenda okutikkirwa mu kiseera ekyo nti yali wa Baganda, so si wa Buganda, era nga ggwe totegeera gye tugenda?

Ate era ku ludda lw'e Mmengo ye yafubutuka omukungu omu mwana wattu ate yali mukungu nnyo, nnyo, n'agamba nti kye kiseera Kabaka wa Buganda okutandika okuziikanga, era nga we yayogerera ng'agamba nti yali afuba okulaba ng'akalombolombo ako kadibizibwa Kabaka wa Buganda atandiikenga okuziikanga. Ekirisuula Mmengo kiriva Mmengo. Mwattu omukungu y'omu oyo bwe yagendanga e Nabulagala mu masiro nga ye taggyaamu ngatto mu bigere, ate engeri gye yali omukungu omunene ennyo, nga tolina ngeri gy'omugambako

Si kyangu kusanga Muyindi alina Iya Muzungu, si kyangu kusanga awasizza oba afumbiddwa atali muyindi, gyebali naye ngamba nti babale. Yadde abacayina bameka b'osanga nga yeetuumye erinnya ery'Ekizungu, oba nga tamanyi lulimi Lucayina? Abacayina bameka abawasizza oba abafumbiddwa abatali Bacayina? Kale nno obwo buntu butono nnyo naye bulaga obunywevu mu kukuuma ennono.

(Bigiddwa mu 'Ngabo' Vol. IV, No. 030 1995)

Ebibuuzo:

- (i) "Abafuzi bonna be bamu." Leeta ebintu omuwandiisi by'atuwadde okulaga obutuufu bwa kino.
- (ii) Mu bigambo byo, nnyonnyola ekigendererwa ky'entegeka ezikolebwa, omuwandiisi z'ayogerako mu nnyanjula y'embooji ye.
- (iii) Omuwandiisi alabika anyolwa nnyo kyokka yeegumya. Nokolayo olunyiriri lumu okuva mu kitundu ky'osomye okukakasa kino.
- (iv)(a) Nnyonnyola omuwandiisi ky'ayagala okutegeezza mu lunyiriri luno: ".....ate eky'ennaku abamu ku baali abavubuka mu kiseera ekyo kati bakuze era tutambula nabo....."
- (b) Eky'abaali abavubuka ku Obote omuwandiisi akikwataganyizza atya n'ebiriwo kati?
- (v) Nnyonnyola ebintu bisatu (3) omuwandiisi by'aleese okukakasa nti omutwe gw'awadde ekitundu kino gukituukirako.

- (vi) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye.
- (a) sinziggu (d) lisereba
(b) batetenkanya (e) okwekubagiza
(c) asalirako ddala omutwe (f) tuli balema.

4. Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100 – 120. (Obubonero 20)

Okukuuma ebiseera:

Omuntu asana okukuumanga ebiseera mu buli kintu kyonna kye teetabamu obutakuuma biseera muze mubi nnyo. N'owulira omuntu nga yeewaana nga ye bwatuuse ng'emikolo gyitandise anti awonye okutuula ennyo. Okugenda ekikereezi kyonoona enteekateeka, kitabula ebikolebwa, kikosa abo ababa baatuukiddewo ne kyonoona n'ebiseera (Oluusi balindako).

Okutuuka ekikereezi kirage obutaba na buvunaanyizibwa era si mpisa nnungi ey'omu bantu. Weemanyize okukuuma ebiseera er ogifuulire ddala mpisa yo essaawa bwe ziba essatu zisaana era zibeere ssatu. Bwe ziba munaana era ddala zibeere munaana, luberera nga okutuuka ng'ebulayo eddakiika nga ttaano, so si kutuuka ku ssaawa yennyini endagaanye. Essawa endagaanye eba yakutandikirako so si kutuukirako.

Ebiseera bikuumenga mu buli kintu kyonna ekinene n'ekitono. Tonyoomanga ebintu ebimu byo n'obigendamu ekikereezi ng'ogenderedde. Kuno kuba kuyisaamu maaso oba katugambe ng'enjogera ye nnaku zino nti ebyo byo tobirabyewo.

Bulijjo bw'obanga oteekateeka olugendo lwo olulina ebiseera ebigere oteekwa okukimanya nti oyinza okusanga ebintu ebinaakulwisa mu kkubo newankubadde nga tewandyagadde. N'olwekyo mu bbanga ery'okutambuliramu eddakika ez'okulwisibwa kw'oyinza okusanga mu kkubo okugeza oyinza okugwa ku kabenje naye nga si kamaanyi, oyinza okusanga omuntu akusinga ekitiibwa n'akutuma.

Wabula tokwatibwanga nsonyi okutegeeza oyo akulwisa nga bw'ogenda amangu era omwetondere akusonyiwe ogende. Kibi nnyo abantu obutakwesiga mu nsonga y'okukuuma ebiseera n'okugamba be bagamba nti "Essaawa y'yo tugimanyi ng'eno bwe bakinagguka, baseka ate nga abandi banjoola.

BIKOMYE WANO!